335/2
LUGANDA
PAPER 2
2 1/2 hours

# WAKISSHA

## Uganda Certificate of Education

## LUGANDA

(Okusoma bwino, eby'obuwangwa ne Litulica)

Olupapula olw'okubiri

Essaawa bbiri n'ekitundu.

EBIGOBERERWA:

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu, A, B, ne C
- Ekitundu A ne B byabuwaze.
- Kitundu C, londamu ebibuuzo bisatu okuva mu butabo obw 'enjawulo ng 'akamu ku bwo ka bitontome.

Bikkula

EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.
(Obubonero 25)

Obuwangwa ze ngeri abantu abatali bamu gye bakolamu ebintu byabwe. Ebintu ebikolebwa mu bulamu obwabulijjo okugeza okulya, okufumba, okukuza abaana, okuwasa n'okufumbirwa, obukulembeze, okulamula emisango, okukyaza abagenyi bye bimu mu bantu bonna ku nsi, naye buli kika kya bantu Oba buli ggwanga lirina engeri eyaalyo gye lyegunjizaawo nga lisinziira ku butonde obulyetoolodde. Obuwangwa Oba engeri Oba empisa ebintu mwe bikolebwa okusinga nga bikolebwa Oba nga bikulaakulanyizibwa walina okubaawo engeri abakikola gye bawuliziganyaamu entongole era lwe lulimi.

Mu mbeera eno olulimi n'obuwangwa baaluganda kuba olulimi gwe musaayi oguyamba obuwangwa okukulaakulana. Olulimi lukumaakuma abantu ne lubaleeta wamu nga bawuliziganya, bateesa, bakkaanya ne batumbula enkola zaabwe Oba obuwangwa bwabwe. Mu buwangwa bwa Buganda obw'Abaganda, olulimi oluganda lwe lukozesebwa Abaganda okubaawula ku buwangwa obulala. Okukula kw'olulimi oluganda kuyambye nnyo okutumbula enkulaakulana mu Buganda n'okutunda enkola za Buganda ebweru wa Buganda.

Empisa z'abaganda, n'obuwangwa bitadde ettafaali ddene nnyo ku nkulaakulana ya Buganda ne Uganda yonna era we bitali wabeerawo eddibu ddene nnyo mu by'enkulakulana y'eggwanga, okugeza; obusuubuzi gavumenti mw'eggya emisolo businga kukolebwa mu lulimi luganda, kkampuni z'eby'amawulire mu ggwanga nnyingi zitandikiddwawo ne ziwa abantu bangi emirimu Iwa lulimi Luganda, ebibiina by'aboogezi ku mikolo nga mwe muli okwanjula n'embaga, abawandiisi b'ebitabo bawandiise mu luganda okubuulirira abantu ku bintu bingi nga mwe muli n'okwekulaakulanya, enzikiriza ezitali zimu zikozesa nnyo oluganda mu Buganda n'ebweru wa Buganda okutuusa obubaka eri omuntu wa bulijjo.

Olulimi bwe luba nga lutondebwawo lusooka kwogerwa ate bwe luba Iwa kukula lutandika okuwandiikibwa. Oluvannyuma lw'okuwandiikibwa, lufuna amateeka agafuga empandiika yaalwo entongole era lufuna n'abantu abalina okulaba ng'amateeka gano gagobererwa. Oluganda luyise mu mitendera egyo gyonna era mu 1947 Iwafuna empandiika entongole erutumbudde n'okulufuula olw'ekitiibwa.

(Kisimbuddwa mu Bukedde Iwakubiri July 30 - 2019, omuko 8.)

Ebibuuzo:

(a) Bintu bya ngeri ki kw'okakasiza nti kyenkana abantu mu nsi beeyisa mu ngeri y' emu? (Obubonero 5)

(b) Lwaki eby'obuwangwa byawukana mu nsi? (Obubonero 2)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

(c) Omuwandiisi yeeyambisizza byakulabirako ki ng'akkaatiriza omugaso gw'olulimi?

(Obubonero 3) (d) Nnyonyola amadaala olulimi oluganda mwe luyise nga lukula.

(Obubonero 4)

(e) Uganda ekosebwa etya Singa olulimi oluganda luvaawo? (Obubonero 4)

(f) Nnyonyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye. (Obubonero 3 ) - okulamula. - okukumaakuma - eddibu

Okuva ku (g —j) koppolola ekisingako obutuufu ojjuze ebikubuuziddwa.(Obubonero 4)

(g)Omuwandiisi olulimi alwogeddeko ng'omusaayi kubanga; (i) Lulina langi emyufu ng'omusaayi.

(ii) Ebyobuwangwa bisasaanyizibwa na lulimi.

(iii) Lwawula omusaayi gw'Abaganda ku musaayi gw'abantu abalala. (iv) Olulimi okulwogera lusiima musaayi.

(h) Omuwadiisi alaze atya nti olulimi oluganda teruboola mawanga?

(i) Lukozesebwa abantu bangi.

(ii) Bamadiini balukozesa mu Buganda n' emiriraano.

(iii) Mu Luganda mulimu ebyobuwagwa ebirala. (v) Terusosola.

(i) Obuwangwa bw' Abaganda kitegeeza... ..

(i) Okufumbiriganwa kw' Abaganda.

(ii) Enkuza y'baana mu Buganda.

(iii) Emize gy'Abaganda.

(iv) Engeri Abaganda ba bulijjo gye beeyisaamu.

(j) Amateeka agafuga okuwadiika obulungi olulimi oluganda gaatandika mu biseera

(i) Biseera byadda.

(ii) Teri amanyi lwe gaatandika.

(iii) gaatandika mu 1947.

(iv) gaatandika eyo mu 2019.

EKITUNDU B

Ddamu nnamba 2(a) ne 2(b)

2. (a) Maririza engero zino nga bwezoogerebwa: (Obubonero 10)

(i)Siwa muto lugero. . .. .. ..........................................

(ii) Addil)ljana amawolu,.......................................

(iii) Abalirira ekigula enkumbi,... . ..................................(iv)

Abalungi ndagala nnamu, ..........................................(v)

Agenekera, . . . .................................................

(vi) Abalamu magoma. . . . . . . .. .. . . . ...................................

(vii) ____________________________, awulikika wala.

(viii) _______________________, giwaatula ne giggumiza.

Bikkula

(b) Nyonnyola amakulu g' engero zino ag'omunda. (Obubonero 5)

(i) Akabimbi akatono, kakira ekyosi.

(ii) Akusuubiza, akira akumma.

(iii) Akugoba, y'akuwa amagezi.

(iv) Akuba owuwe, akuba awumba engalo.

(v) Abataka nkwenge, gw'olya naye y' akutta.

EKITUNDU C

Ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka okuva mu butabo obw'enjawulo ng'akamu ku bwo ka bitontorne.

RUTH .N. KABOGGOZA: Amaggwa n 'emitego mu buvubuka.

Kola 3(a) Oba 3(b)

3. (a) Laga engeri akatabo Amaggya n 'emitego mu buvubuka gy'eri entanda mu bantu ab'emitendera egya buli ngeri. (Obubonero 20)

Oba

(b) Nnyonnyola engeri omuwandiisi gy'azimbyemu Tezigattwa. (Obubonero 20)

WAALABYEKI MAGOBA; Mbaviwa

Kola 4(a) oba 4(b)

4. (a) "............ . . . . . . ..taludde atumye Mutema aleete ekiwuzi ekisiba ku gomesi ye ekyali mu mugugu gwe. Mutema yasambyako mangu nakireeta, nnyina nakimusikako lutali luno n'akiwandako eddusu n'alaamiriza mu ddoboozi eryali lijula okubeera akaama nti," Ayi lubaale wattu Mukasa, muzzukulu wo wuuno, mumponyeze. . . . . . "

(i) Ani OYO ayogera ku lubaale mukasa? (Obubonero 2)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

(ii) Ani ayogerwako era kiki ekimutuseeko? (Obubonero 2) (iii) Nnyonyola ebyobuwangwa ebyenjawulo ebikooneddwako mu lugero luno.

(Obubonero 16)

Oba

(b) Omulenzi ow'empisa era ng'anoonya omukyala ow'okuwasa, bubonero ki kwe yandirabidde Namusisi ng'omukyala amugyamu ? (Obubonero 20)

(ix) ______________.. ...teggwa meebaza.

(x) ______________. . . .......bw'etabba n'eyigga.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

NAKITTO PRISCA: IVze ,nbimaze

Kola 5(a) 0ba 5(b)

5. (a) ”Nze mbimaze” Ng'osinziira ku muzannyo guno, nyonnyola embeera abantu ze basinziirako okwogera batyo. (Obubonero 20)

Oba

(b) "Nze mukulu awaka, weewaawo kitaffe waali, naye era tufaanana abatalina kitaabwe. Nnyaffe y'abadde atukolera buli kamu! Olwo ffe tusigadde wa? ”

(i) Omwogezi mu katundu ako y'ani era abyolekeza ani? (Obubonero 2)

(ii) Agambibwa mu kaseera ako, mbeera ki gy'ayolekedde? (Obubonero 8)

(iii) Nnyonyola ensonga omwogezi kw'asinziira okulowooza ku nnyina okusinga kitaawe. (Obubonero 10)

ALICE JANET NAMAGANDA: Ebitonto,ne Ebiseneekerevu

Ddamu nnamba 6(a) oba 6(b)

6. (a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

ENSI NSIITAANO

Ensi kwe tubeera kuno
Ensi be tubeera nabo
Era bwe tusitaana
Era bwe tubbinkana

Buli omu asika azza wuwe
Buli omu asika awa wuwe
Buli omu asika alya buli
Buli omu asika awa babe

Abaana be abalonde
Basiitaana na sitaani
Bannabbi b'obulimba
Basiitaana ne be yalonda.

Abagagga n' abaavu
Abayivu n 'abaligo
Ab 'ebibanja n' abasenze
Basiitaana mu nsi.

Abakopi n'abaami
Afugibwa n 'omufuzi
Omuyizzi n'eyiggwa

Basiitaanira omwo Bikkula Bannabyabufuzi basiitaana beevuma
Beevuma beeriga
Beeriga beesojja
Beesojja beerumya ebivu.

Abasuubuzi basitaana beewalana
Beewalana beeroga
Beeroga basojjagana
Basojjagana beerumya ebivu.

Abasumba basiitaana beerangira
Beerangira balimbalimba
Balimbalimba batukamula
Batukamula bekkusa.

Tusiitaane tubeerewo mu nsi
Tusiitane twekuze ffenna
Tusiitane tusomese abato
Tusiitaane twezimbire amayu
Obugagga bw'ensimbi kuleka mukululo.

Ebibuuzo:

(i) Nnyonyola ebintu ebisiitanya abantu mu nsi. (Obubonero 6)

(ii) Omutontomi yeeyambisizza bukodyo ki okutonda entunnunsi mu sitanza eyookubiri? (Obubonero 4)

(iii) Ekiyiiye kino kitegekeddwa kitya kifuuke ekitontome? (Obubonero 7)

(iv) Nnyonyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitontome. (Obubonero 3) - Ensiitaano
- n'abaligo
- Beeriga

Oba

(b) Omuwandiisi w'ebitontome ebiseneekerevu asomesa atya ku bukulu bw'obutonde bw'ensi? (Obubonero 20) SSALI DAMASCUS: <u>Obuwoomi bw'ekitonto,ne</u>

Kola 7(a) oba 7(b)

(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

KAKULU ASOMBA

Kale saali ntyo,

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

7\.

Era saali nti,
Nalina ensingo eri,
Biseera nnanda.

Nalina amaaso era,
Agalinga ettaala,
Nalina akabina ggwe,
Kalinga endoddo.

Nagejja entumbwe,
Akaana kanyaala,
Namyuka ebbeere,
Nga litta omuntu.

Nayimba nkooka,
Ng' ennyonza ngireka,
Twakoona endongo,
Mukiibi ajjukira.

Nalina ku ssente,
Twazirya zaggwaawo,
Tondaba nga nkogga,
Nali wa nsanso.

Ebibuuzo:

(i) Ayogerera mu kitontome kino wa kikula ki, era okakasa otya? (Obubonero 2)

(ii) Nyonnyola endabika y'omwogezi nga bweri kati. (Obubonero 10)

(iii) Olulimi Iwa ngeri ki olweyambisiddwa mu kitontome kino?(Obubonero 4)

(iv) Laga omutontomi ky'akozeewo ku maloboozi okuleeta obuwoomi bw'ekitontome. (Obubonero 4)

Oba

(b) Laga ebintu eby'enjawulo omuyizi by'ayiga ng'asomye akatabo kano. (Obubonero 20)

BIKOMYE WANO